# Okukendeeza obulabe obuviirako okufa mu baana abalina endwadde and n'endiisa embi

Obulabe obw'okufa nga abaana balina obulwadde oba oluvanyuma lw'okulumibwa obulwadde obubakwata mu butobwabwe nga okuddukana, lubbyamiira, okukwatibwa obuwuka obuvako obulwadde obw'amannyi, n'omusujja gw'ensiiri gwa waggulu mu nsi ezitanakulakulana n'ezikyakulakulana. Enkolagana eyitibwa Childhood Acute Illness & Nutrition ("CHAIN") Network eyagala okulongoosa mu ndabilira y'abaana n'okutegeera ensonga ezivaako obulabe obw'okufa okweyongera. Okunoonyereza kwa CHAIN:

- Kwawandiisa abaana abaweza emyeezi egy'obukulu 2-23 abaali abalwadde nga bawereddwa ebitanda mu malwaliro mwenda mu nsi za Africa nnya ne mu nsi bbiri mu South Asia
- Kwakunganya ebikwata ku mbeera y'obujjanjabi bwa baana, endiisa y'abaana awamu n'embeera gyebaberamu mu maka gyebabeera.
- Balondoola abaana nga bali mu ddwaliro n'okumala emyezi mukaaga nga basibuddwa ku bitanda

Okukola okunoonyereza kwa CHAIN kyasoboka olw'abaana n'abábalabilira abetaba mu kunoonyereza kuno nga bannakyewa, okwebuuza n'okuwagirwa abantu mu bitundu mwetwakolera okunoonyereza, n'ebitongole by'obulamu eby'amawanga okunoonyereza gyekwakolebwa, Abakulembeze b'abajjanjabi n'abanoonyereza kuva mu nsi yonna

## EBYAZUULIBWA MU KUNOONYEREZA KWA CHAIN – ERI ABANTU MU KITUNDU


### OBULABE N'OBUZIBU OBUKULU

### OKUWEBWA EKITANDA


### EBIKULU OKUMANYA

**ENDABILIRA EYA'ABAYI**

Okufiira mu ddwaliro / oluvanyuma lw'okusibulibwa ku kitanda




Abaana abalwadde abakovvu ennyo (olw'endiisa embi) bekubisaamu emirundi 5 okufiira mu dwaliiro oba oluvanyuma lw'okusibulibwa mu ddwaliro okugerageranya n'abaana abatali bakovvu.



Twala abaana abakozze oba abatakula bulungi bafune obujjanjabi okukendeeza obulabe bw'okufuna obulwadde nga lubyamira n'okuddukana.

**OKUSIIBULWA**



Oluvanyuma lw'okusiibulwa okuva mu ddwaliro abaana bayinza okulabika obulungiko okusinga bwebaali nga balwadde, naye basigala nga banafu era nga basobola okukwatibwa obuwuka obuvaako obulwadde. CHAIN yazuula nti kimu kyakubiri ku baana baafa oluvanyuma lw'okusiibulwa.




Gobelera amagezi omusawowo gakuwa ku kiseera ekituufu eky'okuva mu ddwaliro okuziyiza okufa oluvanyuma lw'okusiibulwa. Nga ovaayo buuza omusawo entegeka eriwo ey'okulabibwa mukulondola omwanawo n'engeri ey'okulabamu obubonero obwa kabenje:

- Okusumagira
- Obutasobola kulya bulungi
- Okuzibuwalirwa mu kussa
- Okusesema olutatadde

**NGA MUZZEYO EKA**




Abaana abamu bava mu ddwaliiro nga tebanatuusa kusiibulwa. CHAIN yazuula nga abaana abaava mu dwaliiro nga omusawo tabasibudde balina omukisa ogwekubisaamu emirundi ebiri ogw'okuffa.






Nga mumaze okuddayo ewaka, abaana baba bakyali mu katyabaga, wadde nga balabika nga abawonye obulwadde. Bwolaba akabonero k'obulwadde, Twala omwana afune obujjanjabi.

Ensonga ezikwata ku by'obulamu



Abaana abalina endiisa embi tebalwala lwa butafuna mere kyokka. Endiisa yabwe, embeera y'obulamu n'obulabe obw'okufa biva ku ndwadde endala zebalina n'enyimirira y'embeera y'obulamu bw'abábalabirira n'embeera y'amaka mwebabeera.



Abazadde n'abajjanjabi abali mu mbeera y'obulamu ennungi babeera n'abaana abali mu mbeera y'obulamu ennungi.

Twala omukisa gwonna gwosobola okulabilira embeera y'obulamubwo n'obwab'omumakago, okutwaliramu kyemwetaaga okulya n'okufuna obujjanjabi bwemuba mubwetaaga.